# Omuzadde yambako omwana okuzuula ekitone kye

DICKSON Bwambale, addukanya ekitongole kya Transcend Africa Foundation ekikolagana n'ensonga z'abaana n'abavubuka nga babasomesa, okubagunjula n'okufuuka ab'amaanyi mu bitundu byabwe, agamba nti :

- Buli muntu yazaalibwa n'ekitone era omuzadde kikulu okuyambako omwana okwezuula kitone ki ky'alina. Tokola nsobi kumukaka bya mu kibiina nga bimukaluubirira ate n'omusuuza ekitone ky'omuzuddemu. Mugumye nti, ebyo ebimulemye bibadde bibuuzo, naye waliwo ebinene mu nsi by'asobola okutuukako kubanga bangi batuuse wala olw'ebitone byabwe.
- Omuzadde wumbawumba n'okuzaamu omwana wo amaanyi asobole okukulaakulanya ekitone kye wamu n'okutambuza emisomo gye.
- Omuzadde beera mukwano gw'omwana wo aleme kukutya, wano baba basobola okukkaanya ku nsonga yonna n'okukubuulira ku bimusoomooza kubanga mukkaanya ku buli nsonga.


Dickson Bwambale

isa okuva obuto nga tannaba na kuzuula kitone ky'alina.

Omwana osobola okwogera naye nga tomuboggolera. Kino osobola okukikola mu bukkakkamu aleme kufuna kutya kwonna gy'oli nga omulengeza mu maaso nti, alina okubeera omukkakkamu kubanga amalala gasobola okumussa oba okumusuula ne